**31st March 2019.**

# OKWAWULA BAKABONA.

**Eby'abaleevi 8.**

Oluvannyuma lw'okuweebwa ebiragiro ebikwata ku kuwaayo ebiweebwayo eby'okugobererwa ba kabona, waali weetaagibwa kabona okukola omulimo ogwo buli kiseera we gwetaagibwanga.

Wano Musa we yalagirwa okwawula kabona ku lw'omulimu ogwo.

**vs1-9** Okwawulwa kwalimu ebikolwa bino.

i) Kabona anaazibwa,
ii) Ayambazibwa
iii) Afukibwako amafuta
iv) Okusaddaaka.

Ebiragiro by'okwawulwa kwa bakabona byali byaweebwa Musa mu kitabo ky'Okuva 28-29 era nga bye tulaba wano kwali kutuukirizibwa kw'ebyo ebyalagirwa.

Alooni/ Kabona yaleetebwa mu lujjude lw'abantu okulaga;

i) Atikkiddwa nga kabaka era ayambaziddwa ekyambalo ky'omulamuzi; okulaga nti obuyinza obw'obwakabona buweereddwa oyo ayambaziddwa ebyambalo eby'enjawulo.
ii) Obukulu bw'okwambazibwa obutukirivu bwa Katonda okubeera omutabaganya, era omuvvuunuzi w'ebyobwakatonda wakati wa Katonda n'abantu. Kino kyali kisiikirize kya Yesu omutabaganya w'abantu ne Katonda omukulu**.**

**vs10-11 Okuva 30:22-25** Buli ekyayawulibwa kyayawulibwa lwa kuweereza Mukama; buli ekyali mu weema kyalina okwawulibwa.

**vs12 Zabbuli 133:2** "Laba bwe kiri ekirungi era nga kisanyusa, ab'oluganda okubeera awamu nga batabaganye. Kiri ng'amafuta ag'omuwendo omungi agafukibwa ku mutwe gwa Alooni ne gakulukutira mu kirevu; gakulukutira mu kirevu kya Alooni, ne gakka ku kitogi ky'ebyambalo bye."

Amafuta ku bikozesebwa gaali ga kubitukuza era nga bino byamansirwa bumansirwa naye Alooni ye yafukibwako bufukibwa nga kino kyakiikirira ekisa kya Mwoyo Mutukuvu ava wabweru w'omuntu n'amala n'amujjula era n'ayawulibwa olw'emirimu gya Katonda.

vs13 Ne batabani ba Alooni baalina okwawulibwa ng'abayambi ba kabona era ne bambazibwa engoye ez'enjawulo nga Mukama bwe yalagira Musa. Eby'abaleevi 4:3, 10:7.

vs14-36 Ekiweebwayo olw'ekibi ekyasookera ddala mu **vs14.**

Okuweebwa obutuukirivu obw'obuwa kugobererwa okutukuzibwa okwa bulijjo olwo ne tulyooka tufuna entabagana ne Katonda.

**Eby'abaleevi 4:6** ne **8:15-17** byawukanamu katono kubanga wano Alooni yali tannafuulibwa kabona ate era nga yali ayawulibwa ne batabani be era n'ebikozesebwa mu kuweereza Mukama mu kifo eky'okukungaaniramu.

Ekiweebwayo olw'ekibi kyali kya kuleeta butuukirivu (vs**14**), ate ekiweebwayo ekyokebwa kyali kya kuleeta butukuvu (**vs 18-21**) ate ekiweebwayo olw'emirembe (**vs22-29**) kyali kya kutuukiriza kwawulwa.

**vs30-36** Omusaayi ogwali ogw'okuyiibwa ku kyoto nga bwe kyaali mu biragiro ku luno gwasooka kusiigibwa ku matu, ebigere ebisajja, engalo za nnamagalo (ensajja) ebya ddyo ebya Alooni ne batabani be nga okuwaayo emibiri gy'abwe eri Katonda; okumuweereza n'okumuwulira okumuwulira.

Amafuta n'omusaayi byamansirwa nga ku Alooni ne batabani be okubaawula era n'ebyambalo byayawulwa nga biri ku mibiri gyabwe.

Okwawula kwawerekerwanga okuliira ennyama n'emigaati ku mulyango gwa Weema Ya Mukama ey'Okukungaaniramu era n'ekiseera eky'okweyawula mu buliwo okumala ennaku musanvu nga tebeetaba na bantu balala.

Ebyawandiikibwa bino bituukirizibwa mu Kristo Yesu Kabona asinga obukulu ateetaaga bulombolombo na mpisa za mateeka wabula eyatuukirizibwa Katonda okubeera Kabona omukulu era omutabaganya w'abantu ne Katonda.

Abaebbulaniya 5:1-6 …..

Mu Yesu Kristo tulina Kabona ataaliiko bunafu bwonna era ye teyeetaganga ssaddaaka ku lwa bibi bye kubanga teyalina kibi.

Okuyita mu ku mukkiriza twaweerwayo ssaddaaka etuukiridde eri Katonda olw'ebibi byaffe.

Abaebbulaniya 7:18-28……

Mu kwawulibwa kwa Alooni ne bakabona abalala tulaba emikolo naye tetulaba kirayiro kya Katonda wabula mu Kristo Yesu Kabona asinga ba kabona bonna Katonda yeelayirira nti Yesu Kristo Kabona emirembe gyonna.

Ekimufuula kabona kwe kuba omuyima (omulabirizi, omutuukiriza) w'endagaano empya eri abantu ba Katonda nti okuyita muye ewatali ssaddaaka za nsolo tulina obulokozi.

Yesu alokolera ddala abo abajja gyali okusonyiyibwa ebibi ataawaayo ssaddaaka zabuli lunaku naye ye yeewaayo omulundi gumu nga ssaddaaka olw'ebibi bya buli muntu.

Olwo ffe kye kiva kitugwanira okumukkiriza okubeera omulokozi waffe awatali kutya wabula nga tuli bamativu nti ssaddaaka eyaweebwayo Katonda ku lw'ebibi byaffe mu Kristo Yesu yeeyo yennyini eyali yeetaagibwa.

Abantu abamu tebanywera mu bulokozi kubanga balaba nga balina ekibulawo. Naye obulokozi bwa kukkiriza kirabo kya Katonda kubanga gwetuwa ssaddaaka yalonda ky'amanyi nti kye kisinga ssaddaaka zonna.

Ate naffe abakkiriza Yesu Kristo Katonda atuyise okubeera ba kabona wamu naye nga tuwaayo emibiri gyaffe eri Katonda nga ssaddaaka ennamu egulumiza Katonda.

1 Peetero 2:4-9 …..

Twalondebwa Katonda mu Kristo Yesu nga bakabona  okutenda obulungi bwe oyo eyatujja mu kizikiza n'atuyingiza mu butangaavu bwe.

Abaruumi 12:1-2. ……..